# Nnaabagereka alaze obuzibu obuva ku ndwadde z'obwongo mu baana

Bya DICKSON KULUMBA

NNAABAGEREKA Sylvia Naggin-da alaze obweraliikirivu nti, end-wadde ez'obwongo zeeyongedde mu baana mu ggwanga nga kati ziri ku bitundu 23 ku 100.

Nnaabagereka yagambye nti, singa olutalo lw'endwadde zino lwa kuwangulwa, kikulu abo abatatawaanyizibwa mbeera zino okubeerawo ku lwa bannaabwe nga babayamba okusobola okuzivvuunuka.

"Mu lutalo olw'okulwanyisa obulwadde bw'obwongo, okubeerawo kw'abalala kikulu nnyo. Obuntubulamu butulaga nti, munno bw'aba alina ekimuluma naawe kibeera kikukwatako.

Ate buli lw'oyamba omuntu omulala, weeyongera amaanyi, amagezi n'emikisa," maama wa Buganda bwe yasabye.

Bino yabyogeredde ku mukolo gw'okuggalawo Ekisaakaate kye ku Lwomukaaga nga kyabadde ku Hormisdallen P/S e Gayaza mu Kyadondo.

Kyatambulidde wansi w'Omulamwa ogugamba nti, "Ensibuko y'Obumalirivu: Okweyamba, Obuntubulamu mu kutebenkeza Obwongo", era Nnaabagereka n'ayongerako nti, "Mu ggwanga lyaffe Uganda, ebitundu 23 ku 100 be baana abatawaanyizibwa endwadde ez'obwongo. Kino kibaviirako okukozesa ebiragalalagala era nga bibaviirako okwetuusaako obulabe n'okutuusa obulabe obwo ku bantu abalala.

Mu kisaakaate kino, essira tulitadde ku kuyigiriza abaana okubeera abamalirivu nga beewala ebintu ebiyinza okunyigiriza obwongo bwabwe."

Katikkiro wa Buganda, Charles Peter Mayiga ye yabadde omugenyi omukulu ku mukolo guno n'alaga okwenyumiriza nti, abaana bano bayigiriziddwa obumalirivu okwang'anga ensonga yonna ebeera ebasoomoozezza n'abasaba bye bayize babyekwate okubayisa mu bulamu.

Yasabye abaana bano obutatya kwogera kye bawulira ku mutima, kyokka n'okuyiga okuwuliriza ebibagambibwa bakadde baabwe n'abasomesa.

" Okusinziira abaana bye bazannye wano n'okuwandiika mu katabo, kiraga nti, abazadde embeera ze tubeeramu ne bye tukola babeera batulaba era tweyise bulungi. Kijja kuyamba abaana okukula n'emmeeme entebenkevu. Abaana tubakuze batwesige," Mayiga bwe yagambye.

DICKSON KULUMBA



Nnaabagereka ng'asala keeki n'abaana. Emabega mu kkooti ye Katikkiro Mayiga.

Ye Minisita w'ebyenjigiriza mu Buganda era nga y'avunaanyizibwa ku ofiisi ya Nnaabagereka, Cotilda Nakate Kikomeko yeebazizza Nnaabagereka olw'enteekateeka era yategeezezza nga Minisitule ye bwe yamaze okuyisa ekiteeso eri amatendekero n'amasomero g'Obwakabaka ng'ennyingo z'Obuntubulamu n'ebimu ku bisomesebwa mu Kisaakaate nga bigenda kusomebwa abayizi okutandika n'Omwaka guno.

Abaana okuyita mu kitontome, baatuusizza obubaka bwabwe eri abazadde ku nsonga y'okubatulugunya obwongo okuli okubayita amannya agabavuma ne basaba nti, bandibadde boogera nabo mu ngeri y'omukwano.

Abaana abaasinze okukola obulungi ku balala baaweereddwa ebirabo, okwabadde Michelle Nankabirwa ne Zion Mboowa.

Abawanguzi abalala kwabaddeko; Abdi Manal, Austin Katende, Timothy Mukalazi, Trevor Magembe, Whitney Naggayi ne Lenon Kambugu.

Ekisaakaate kino kiwagirwa National Drug Authority (NDA), Finance Trust Bank, Uganda Red Cross Society, Jesa MTN Momo, Liberty Insurance n'ebitongole ebirala.